**10th June 2018.**

# OKUNYWEERA MU KULOWOOZANGA KU YESU KRISTO OMUSUKKULUMU. II.

**Abaebbulaniya 3:7-19.**

Mu kweyongerayo kwaffe mu musomo gwaffe amakya ga leero mu kitundu kye twatandika omulundi oguwedde n'ekitundu ekisooka ku mulamwa gwaffe gw'okunyweera mu kulowoozanga ku Yesu Kristo omusukkulumu, Omwoyo Omutukuvu atuwa enkozesa y'ebyayigirizibwa kw'olwo (application), ng'akozesa eky'okulabirako, okwanirizibwa, okulagirwa, n'ensonga [ the illustration, the invitation, the instruction and the issue.] Ng'ensengeka y'okubuulirwa bwe yandibadde emirundi egimu….
Nga tuyingizibwa mu kitundu eky'okubiri ky'okubuulirirwa kw'ebbaluwa eno eri Abaebbulaniya n'affe, erimu ebitundu bitaano. Nga mu kitundu ekisooka mu ssuula ey'okubiri twaabuulirirwa ku kabi k'okuva ku Kigambo mu kkilagajjalira. [ The danger of drifting from the Word because of neglect; 2:1-4].
Mu kino ekiyingira mu ssuula ey'okuna okkoma mu lnny. 13, tubuulirirwa ku kabi k'obuteesiga n'obutakkiriza Kigambo olw'obukakanyavu bw'omutima. [ The danger of doubting and disbelieving the Word because of hardness of heart.]

Omuwandiisi agamba mu nny.7 -19…..[*tusome*]
**Lnny.7** Obutereevu bw'okuba nti Omwoyo Omutukuvu ye yawandiisa Daudi, Zabbuli, nga bwe guli abalala bonna abawandiika ebyawandiikibwa bya Baibuli, era nga bwe Yakyeelekerayo okuba omuwandiisi w'ebbaluwa eno. (2 Tim. 3:16,17).
Akozesa Zabbuli 95:7-11 [Zabbuli 95 ne 96 zaali Zabbuli z'okwaanirizibwa okusinza Mukama mu Yeekaalu], era bwe tusoma 95:7…. Zigamba……
Nga byaali byogera ku byaaliwo mu Kuva 17:2-7 nga bwe twaalaba ebiro ebitali bya wala emabega abaana ba Isirayiri bwe baayombesa Musa ng'ennyonta ebaluma, e Massa , era Meribba, lwe byayitwa okutegeeza obujeemu era okugezesa. Ne Yesu Kristo kyayogera eri Sitaani mu kukemebwa kwe mu ddungu ng'ajjayo Ekyamateeka Olw'okubiri 6:16. Byonna ebitubuulirirwa leero ottukugira okugwa mu kabi keekamu kebaagwaamu abaajeemera Mukama mu butakkiriza bwaabwe olw'obukakanyavu bw'emitima gyaabwe bwe baali mu kugezesebwa.

Tujjukire nti n’Abaebbulaniya abawandiikirwa ebbaluwa eno okusooka baali bayita mu kugezesebwa okutali kumu omwaali n’okuyigganyizibwa olw’okukkiriza kwaabwe mu Yesu Kristo ng’omulokozi wa Isirayiri.
Kye bava babuulirwa wamu naffe nti [lnny.12……..]
[ Guzik agamba nti Newell yagamba ‘Obutakkiriza ssi bwe butasobola kutegeera, wabula okugaana okwesiga.’] Kye kiggyayo obutakkiriza okuba obujeemu so si obunafu, nga bwe wanditutte okubuusabuusa okuyinza ottuggira entakera. Olw’okuba n'okukkiriza okunafu kwegayirira Mukama akuyambe nga bwe tulaba mu Makko 9:23. Naye obutakkiriza kibi, kubanga bujeemu obuleetwa obulimba.

**Lnny. 13**……..   Kitugwaanira okweefaako ng’ab’oluganda okubuuliragana….

**Lnny.14**…….. Ky’otanyweeza wadde kikuweereddwa buwa lwa kisa, okifiirwa, n’otakiganyuulwamu.

**Lnny.15**….  Okulagirwa(instruction)…….
Nny…16-18……….

**Lnny.19**…….. Ensonga (the issue)…….